# Bannayuganda 53 bagenze Algeria kusoma

Bya PETER SSUUNA

MINISITULE y'ebyenjigiriza esiibudde abayizi 53 abaafuna sikaala okusoma ku bwereere mu Algeria.

Baasiibuddwa omuwandiisi ow'enkalakkalira mu minisitule eno, Dr. Kedrace Turyagyenda n'abasaba obuteesuulirayo gwa nnaggamba wabula okukwata ekkalaamu n'ekiruubirirwa ky'okuteeka ettoffaali ku Uganda esobole okutuukiriza ekirooto kyayo ekya 2040.

Turyagenda yabategeezezza nti, kati bafuuse ababaka ba Uganda mu Algeria noolwekyo bateekeddwa okulaga ekifaananyi ekirungi baleme kuswaza ggwanga. Era yabakubirizza obuwufu okubwolekeza okubanguka mu bukodyo n'obukugu obw'enjawulo obubagattako okufuuka ab'omugaso mu nsi.

Yabasabye obuteenyigira mu butabanguko wabula bakolagane bulungi ne be banaasangayo.

Yagambye nti nga minisitule, beeyama okubakwatirako mu mbeera z'obulamu obwabulijjo kyokka n'abakuutira obuteejalabya, bakwate bulungi ensimbi ezibaweereddwa.

Kaminsona w'okunoonyeza abayizi sikaala, n'ensonga zaabwe mu minisitule y'ebyenjigiriza, Hajji Muzamiru Mukwatampola, yategeezezza nti baayise mu mitendera gyonna okusunsula abayizi bano era buli eyalondeddwa yatuukirizza ebisaanyizo by'okweyongerayo okusoma.

Yagambye nti basindise abayizi 53 okwegatta ku 200 abaasookayo omwaka oguwedde, nabo abeegatta ku basoba mu 400 abaasookayo.



Dr. Turyagyenda ng'asiibula abayizi abagenda mu Algeria okusoma.